# Basabye KCCA ku bisolo ebitaayaaya

Bya MOSES LEMISA

MOSES LEMISA



Ente ku nkulungo y'oku Kaleerwe.

MOSES LEMISA



Endiga e Bwaise mu kalippagano k'ebidduka nga zirinda okusala.

## Abantu bye bagamba



Haruna Muwonge: Ebisolo bifuuse ekizibu kuba byonoona ebintu byaffe. Nsaba abalundira mu kibuga okufuna we bateeka ebisolo byabwe babinoonyeze ebyokulya okusinga okubita ne bitaayaaya.



**Hellen Birungi: Okulunda si kubi naye bannaffe balimba. Toyinza kuta bisolo ne bitambula nga tebiriiko mulaalo ne bituuka n'okwebaka mu nguudo ekiyinza n'okuvaako obubenje.**



William Katende: Ebisolo bifuuse bya mutawaana mu kibuga naye amateeka gaffe gakyali manafu. Ebisolo babikwata naye bannyini byo bwe bagendayo bafunya kikonde nga babibaddiza.

ABASUUBUZI n'abatuuze basabye KCCA okubataasa ku bisolo ebitaayaaya mu Kawempe bye balumiriza okuvaako obubenje n'okwonoona ebintu byabwe.

Bagamba nti, ebisolo bino bimanyi n'okuyimirira ku kkubo ne birinda ebidduka okuyitawo ne bisala okwefaanaanyirizaako abantu! Ebisolo omuli ente, embuzi n'endiga obisanga mu butale, ku nguudo ng'abatuuze bagamba baludde nga beekubira enduulu ku nsonga eno kyokka KCCA bw'ebiyoola wayita ennaku ntono nga bikomyewo.

Mmeeya w'e Kawempe, Emmanuel Sserunjogi yalabudde bannannyini bisolo nti, tebalina kubita kutaayaaya.

N'agamba nti, ebisolo by'abajeemera amateeka bizze bikwatibwa ne bitundibwa ssente ezivaamu ne ziddaabiriza ebiba byonooneddwa.

Ddereeva wa loole, John Kiweewa yagambye nti, omwezi oguwedde ng'ava e Kayunga, bwe yatuuka e Mpereerwe ku ssaawa 8:00 ez'ekiro yeekanga embuzi, endiga n'ente nga byebase mu luguudo! Yagambye nti, ekyamuyamba, ekkubo temwali mmotoka era ebisolo yabiwugula n'awona akabenje akandimulesezza obuwoomi bw'ettooke.

Ate Juliet Nakakawa, omusuubuzi mu Kirokole yagambye nti, ebisolo bagobagana nabyo okubitangira okubaliira emmere gye batunda ng'abamu bazze bakola loosi kyokka bwe beemulugunya babagamba nti ebisolo bya banene mu kitundu.

Omwogezi wa KCCA, Daniel NuweAbine yategeezezza nti ebikwekweto eby'okuyoola ebisolo bigenda mu maaso n'asaba abalundira mu kibuga okufuna ebifo we babiteeka kuba ebinaasangibwa nga bitaayaaya bijja kutwalibwa.